| Essomo 3 | الدرس الثالث |
| --- | --- |

# Entana

Agamba swahaba Anasi mu hadiith eyawandiikibwa Imam Bukhar ne muslim egamba nti:
Agamba Anasi nga agijja ku Nabbi (SAW) nti: yagamba (SAW) nti: "Mazima omuddu bw'ateekebwa mu ntaanaye nebavaayo abantube mazima yye awulila emisende gyengatto zabwe nga bagenda, agamba nti olwonno bamujjira bamalayika babiri nebamutuuza nebamugamba nti kiki kyobadde ogamba kumusajja ono? (bamulaga nabbi Muhammad (SAW), omukkiriza yye agamba nti oyo mazima yye muddu wa Allah era mubakawe.
Bwatyo agambibwa omufu ono nti kale tunuulira ekifo kyo okyomumuliro, naye Katonda akuwanyisirizzamu ekifo mujjana. Yagamba nabbi wa Allah, nti omuntu ono omufu atandika ebifo okubeera nga abilaba.
Nagamba nti naye ate ye omukafiiri oba omunnanfusi abo bbo omu kubo agamba nga abuuziddwa nti simanyi mbadde nange njogera bwogezi ebyo abantu byebogera egenda kugambilwa nti; towonnye, era tofunye kwesiima. Bwatyo n'akubibwa nennyondo eyekyuma nga luwulirwa ebitonde byonna okujjako abantu n'amajinni
Bwekutyo nokudda kwomwoyo mumubiri gwomuntu kili mubintu bya akhera ebyekwese obwongo bwomuntu byebutasobola kutuuka kubutuufu bwabyo kuno kunsi. Era begatta abasilamu nti omuntu muntaanaye agabirirwa ebyengera singa abeera omukkiriza asanila ebyengela ate era nabonerezebwa singa abeera omujeemu asanidde okubonelezebwa bwaba nga Allah tamuddiddemu amakulu tamusonyiye. Nga Allah bwagamba mu suratu Gaafir aya 46 nti:

Agamba Allah nti omuliro boolekezebwa gyeguli buli kumakya nakawungezi ate olunaku lw'okuyimirizibwa (ekiyaama) enkomelero bagenda kuyingizibwa abantu ba Firiawuna ebibonelezo ebyamaanyi.
Era nomubaka (SAW) natugamba nga bwekili mu hadith ya imam musilimu nti:

Agamba nabbi (SAW) nti mwewogome mu Allah abataase ebibonelezo by'entaana.
Songa okubonelezebwa muntaana obwongo obutuufu kino tebukiwakanya kubanga tuyina ekyokulabilako kukwebaka mubulamu buno obwensi kutusembeza kwekyo kuba eyebase asobola okulaba nga abonelezebwa era nawoggana n'asaba nokuyambibwa eri abamuli okumpi kino kyawulila tewali njawulo wakati w'okufa nobulamu mukyo okujjako nti muntaana ebibonelezo bilumya omutima nomubili byombi. Era nga bweyagamba omubaka mu hadith eyawandiikibwa Ibun Majah egamba nti:

Agamba omubaka (SAW) nti mazima entaana kyekifo ekisooka mubifo byenkomerero singa omuntu awona muyo amakulu ebibonerezo byayo olwono ewaddirira wagenda kumubeerera wangu nnyo okusingawo. Ate oyo atawona muyo amakulu atawona bibonerezo byayo, olwono ewaddako wagenda ate kumuberera wazibu nnyo okusingawo.
Bwatya asanidde omusiraamu okubeera nga yewogoma asabe Allah amukingirize ebobonerezo bya kubiri (bye ntaana) naddala nga tonnaba kusaza salaamu nga ali mu swala, era nokwewalira ddala obwononefu kubanga y'ensonga enkulu esuula omuntu mubibonerezo bye ntaana n'omuliro. Byatumibwa bibonerezo bya ntaana kubanga abantu abasinga obungi baziikibwa naye n'abo abagudde munyanja nabokeddwa omuliro nabaaliriddwa ensolo boona babonerezebwa mubulamu obwo oba okufuna ebyengera bwebaba nga baali bakkiza.
Era ebibonerezo byomu ntaana biba bimu nebyo byetulabye gamba nga okukubwa enyondo yekyuma mumutwe oba ebibala era nga bwayalirwa ekyaliilo kyomumuliro naggulirwawo omulyango gwomuliro nemirimogye negijja nga gifaananyiziddwa omusajja omubi wekyenyi era nga awunya ekivundu n'atuula naye muntaanaye era ebibonerezo byeyongera okugenda mumaso singa omuntu abeera omukafiiri oba omunnanfusi. Wabula singa abeera omuntu nga muddu omukkiriza naye omwononyi, oyo byawukana ebibonerezo okusinziira kubwononefubwe era bikyayinza ebibonerezo okukutuukawo oluvanyuma lwekiseera.
Wabula ate yye omukkiriza aweebwa ebyengela muntanaye nebagimugaziyiriza era nebagijjuza ekitangaala nebamuggulira era nebamwalirira mubyaalilo byayo era nemilimogye nebagileeta nga gilinga omusajja omulungi ennyo n'abeela nga amubeesabeesa mu ntaanaye.